# *460. EGGYE LYA BAMALAYIKA*

**Fr James Kabuye**




2. Emiguwa gya walumbe gyanzingirira,
   Emitego egy'emagombe gintuukirira ne ngwa mu kweraliikirira ne mu nnaku.
3. Nakoowoola bukubirire erinnya ly'Omukama,
   Lokola obulamu bwange, ayi Mukama nze nkwesiga.
4. Omukama wa kisa mutuufu, Katonda waffe ng'asaasira.
   Omukama y'akuuma abatene, nnali mu nnaku Ye n'andokola.
5. Mwoyo gwange weddire mu nteeko,
   Kubanga Omukama, yakukolera bulungi bulala.
6. Kuba anti ye yawonya omwoyo gwange mu kufa okutiisa,
   Yawonya amaaso gange mu maziga, n'ebigere byange kugwa mu mutego.
7. Nze nditambulira mu maaso g'Omukama
   Nditenda Omukama, mu nsi y'abalamu eyo.